

**P360/3**  
**LUGANDA**  
**PAPER 3**  
**July / August 2015**  
**3 hours**



## **WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

**LUGANDA**

**LITULICA MU LUGANDA**

**Olupapula olwokusatu**

**Essaawa ssatu**

### **EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A, B, ne C*
- *Mu kitundu A kolamu ekibuuzo **kimu (1)***
- *Mu kitundu B kolamu ebibuuzo **bibiri (2)** ekimu kya Puloozi n'ekirala kimu okuva mu bitontome.*
- *Mu kitundu C kolamu ekibuuzo **kimu (1)**.*
- *Ddamu ebibuuzo bina (4) byonna awamu.*

## **EKITUNDU A**

**M.B NSIMBI:** Bwali Butamanya.

1. Eby'obuwangwa y'emu ku mpagi sseddugi okuzimbibwa ensi ya M.B. Nsimbi mu Bwali Butamanya. Laga obutuufu bwa kino n'ebyokulabirako. (obubonero 25)
2. “Akabi tekabula Musombi” Nnyonnyola bulungi engeri olugero luno gye lutuukira ku bizibu ebigiira Kasolo ne Nakakaawa. (obubonero 25)

**E.N KAWERE:** Zinunula Omunaku.

3. “Ye n'addamu nti K'oyombe nno nga n'omugenyi azze okukulaba awulira”.
  - (i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (obubonero 3)
  - (ii) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu ssuula ki? (akabonero 1)
  - (iii) Omugenyi ayogewako azimbiddwa atya mu lugero? (obubonero 4)
  - (iv) Nyonnyola engeri obulamu bw'agambibwa bwe butambulira ku nkato ne mu matigga. (obubonero 8)
  - (v) Mbeera ki eyaleetera omwogezi okwogera ebigambo ebyo? (obubonero 10)
4. Kawere atusiigidde ekifaananyi; ky'ensi ye mu lugero Zinunula Omunaku ekyenkukunala. Kino omuwandiisi akikoze atya? (obubonero 25)

## **EKITUNDU B**

### **PULOOZI**

5. Soma ekitundu kino n'olvanyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

Kiyita lwa kuba musajja wa ddalu togamba nti teyalina mikwano. Mu butuufu ne mu basomesa bennyini yalinayo enfiirabulago ze, gamba nga Mikayiri Masaayaaye abaana gwe beeyitiranga Na-mma-ssatwe, mbu kubanga ku “M” zino ebbiri ezisooka ku manya ge, “M” ey’okusatu nga bamuyita Mimwa. Olw’okubanga yalina emimwa eminene, bwe batyo mu bufunze ne bamuyita “MMM” mwami Masaayaaye ono nga si wa lugono mulwadde. Olaba ne bwe yabanga anyumya bunyumya naawe, era nga bw’oseka akupacca oluyi! Bwe yanyumyanga nno n’akubuuza nti okiraba? Ne kakutanda n’oddamu nti “Nkiraba,” n’alyoka akusimba oluyi ku kibegabega nga bwagamba nti “Gwe naanyumizanga”.

Togamba nno yakwekubyanga bwekubyakuba, yakukubiranga ddala oluyi lwe bayita “Nvamumba”. Ate bwe kyatuukanga okukubira ddala okwokubonereza, maama nnyabo nga nabeemagombe onoobazuukusa. Tewali muttu n’omu ku Ssomero yadde mu basomesa eyayagalanga okubeera ne Na-mma-ssatwe, era mpozzi eyo yensonga eyabafuula ab’omukwano ne Kiyita. Abaana baamwagalanga olw’okukuba emipiira naye nga bamutya bugo.

Kiyita ne Mikayiri baalina ebintu ebirala ebibagatta. Bombi baali Baganda naye nga tebamanyi bulungi bika byabwe, mbu lwa kuba Mikayiri baamulonda ku kkubo, mu ki cuucu nga nnyina amusudde awo! Ate ne Kiyita ng'oluvuuvuumo lugamba nti naye mu kika kye baagabayko Mugabe!

Ensonga endala bombi baali bantu ba masanyu ate ne mu kuteeganga abawala nga **be ba “mmo”** Maama olaba Mikayiri yayitanga abawala b'asomesa, okuyingira mu kisenge ewuwe ng'ali mu ttawulo yokka! Ate omuwala yenna bwe yamusanganga mu ttawulo nga ye Omusomesa yeewugguusa nti “Ee mwana wange tokonkona” kale ebitabo biteeke wali ku Ssanduuko, ompe empale yange eri ku musumaali awo “mukama wange nno, omwana okufukamira okumukwasa empale nga teyamuvumbagidde dda! Omwana yakandanga kuwoza “mpunya vv” nga ne Mikayiri afunvubidde amufuukidde omuteego.

Mikayiri obwana bwonna yali abumazzeewo ng'abufumbiikiriza mu ngeri eyo era ne Kiyita kwe yalabira. Olumu yafumbikiriza ka Nanteza Rita awo mu ddiiro lya Mikayiri eyakawonya yali Luntamye omupakasi w'awaka. Yasanga bukyabefuka **n'atakiza** enduulu “kwata ye yaddirira” abadduukirize bazze, eddenzi balirizze ku migwa, emikono bagifudde ekyensuti, balyambusizza ku offiisi. Wabula baba bamusaza oluguudo nannyini maka mwami Mikayiri olwo naye yali azze ne **yeejuumula** nti.

“Bannange lwaki tuswazaswaza omuwala akyasoma, mwagala tumwanike buli muntu yeerolere? Nze mbivuddemu. Ye ggwe Luntamye waakako, emirimu gy'eka ogimaze? Kale nno oluva eno ng'osibamu ebyanguwa! Oba ekyo tokyagala ddayo mangu eka, bino si bye byakuleeta!!”

### (Bikyusidwamu katono okuva mu Kiyitawaggulu)

#### EBIBUUZO:

- (i) Nnyonyola ku bukodyo bw'olulimi omuwandiisi bw'akozeseza mu kitundu kino. (obubonero 6)
- (ii) “Mbuulira gwoyita naye nkubuulire empisa zo”. Enjogera eno etuukira etya ku Mikayiri ne Kiyita? (obubonero 6)
- (iii) Nnyonyola ebyokuyiga ebyenjawulo byojja mu Kitundu kino. (obubonero 10)
- (iv) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye.
  - (a) N'atakiza
  - (b) Yeejuumula
  - (c) Be ba mmo(obubonero 3)

## **EBITONTOME**

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6,7,8 oba 9

**F.M MASAGAZI:** Mpaawo Kitakya.

### **6. Soma ekitontome kino n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.**

#### **SINGA NNALI MITI**

Nzijukira ebbanga ly'obuvubuka bwaffe nga ssente tuzijja mu kibira. Ate nga oluusi mbeerayo bw'omu.

Muli ndowooza nti, egyo emit gye "twawanga" embazzi naddala emyeganza singa gyataama ne gyogera nandizze wa?

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Mazima laba,  
Ani akola enkuba?  
Etojjeza ebirime!  
Ebibawa kye mulya!  
Ebaleetera obulamu!  
Otuzzi ne munywa!

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Nakino laba,  
Ani abawa emit?  
Embaawo mwe ziva,  
Ennyumba n'ekolwa!  
Ebabajje, n'empagi!  
Ne ssanduuke bwe mufa!

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Mazima laba,  
Eddagala lye munywa!  
Endwadde n'ewona!  
Obulamu ne buba!  
Ebisolo byammwe!  
Olw'omuddo omugimu!

Ennyama ne mulya, ssente n'efunwa!  
Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Na kino laba.  
Ani abawa enku?  
Mufumbisa kye mulya!  
Akanyama kammwe, akookye ku luti!  
Akabugumya awaka, teziba nku?  
Amanda gammwe, tegava mu buku?  
Omusimbi gw'olina, totunze nku!

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Kati oguntemesa ng'omulabe  
Ne muntemaatema ebisiki  
Ne mpootera ng'atabawa  
Ne munjokeerera ng'omubbi  
Ne mumpalana buli wemba  
Munnanga mukago?

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Kati munenga mu butale  
Ne nkaligwako omusolo  
N'embivaako ne ntundwa  
Abanvuga ne mubasasula  
Abantikka ne bafuna ennusu  
Munnanga mukago?

Singa nnali miti, nandyewaanye ne nkamala  
Singa nnali miti, nandirumizza abanjooga  
Singa nnali miti, nandisabye omusolo buwanana  
Singa nnali miti, nandisenguse ne nvaawo  
Singa nnali miti, nandisse omukago n'abanfaako.

Ogwokwewaana ngulese  
Okubalumya ntadde,  
Omusolo siisobole,  
Okusenguka nedda,  
Okubalabya ennaku mpanise  
Naye omukago?

**Ebibuuzo:**

- (i) Obuyiiya bw'omuntontomi bweylekera butya mu kitontome kino? (Obubonero 7)
- (ii) Miramwa ki egyeyolekera mu kitontome kino? (Obubonero 4)
- (iii) Lwaki omutontomi addinana sitanza ezimu? (Obubonero 3)
- (iv) Ekitontome kino kisengekedwa kitya? (Obubonero 7)
- (v) Ebigambo bino birina makulu ki nga bwe bikozeseddwa mu kitontome?  
(a) Munenga  
(b) Omukago  
(c) Omugimu  
(d) Ne mpootera. (Obubonero 4)

7. Mu nyanjula Kizza Mukasa agamba nti Masagazi asimbidde ddala mu kisinde ekyabamanyi ku bikwata ku nsi ye. Kino kyeyolekedde kitya mu kitontome bya Masagazi mu Mpaawo Kitakya? (Obubonero 25)

**OKET P'BITEK:** Omulanga gwa Lawino (kyakyusibwa Abasi Kiyimba).

8. Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.

**OLUGENDO LWE PAGAK LWA NTIISA**

Omwami wange

Buli kiseera annyombesa

Nti mpitiridde okukkiriza mu bigambo bya balubaale

Mbu olw'okuba kitange.

Yali musawo wa kinnansi omukuukutivu,

Nnemeddwa okuyiga enkola ey'omulembe

Ey'okugema endwadde n'okulabirira abalwadde.

Atuula annangira

Nti simanyi kukozesa kwiniini,

Wadde okwewala obukyafu obuleeta endwadde.

Ocol agamba

Nti mpitirizza okutya eddogo,

Kino ne kinnemesa okwanjulukuka ebirowoozo.

Baliraanwa bagamba baze

Nti mmange yaleeta eddagala awaka

Ery'okufulula eddogo

Abakazi abagumba

Lye baali baleese okutta abaana baffe

Mbu abamu baleese agugu

Ng'abalala baleese adraka

Ng'abalala baamugamba  
Nti jjajjange Omukazi azaala maama  
Naye yaleeta eddagala ekkambwe  
Ng'aliggya mu Bamadi.  
Mbu nga teritta baana lyereka lityo

Wadde Ocol takkiriza  
Nti ebintu by'Abaddugavu birina amaanyi,  
Ebigambo bino bimweraliikiza nnyo,  
Kubanga tayagalira ddala  
Bantu bakolagana na ddogo.

Ocol buli kwekyusa anvuma  
Nti ennyumba ye  
Ngiyingizaamu buli akyama awaka  
Nga mwe muli ne bannakyalo abatanaaba,  
Abaddugala ebitagambika  
Abawunya n'ekivundi.  
Ebibaleetera okunyookako ensowera!

Ocol agamba  
Nti abeηqanda zange abamu,  
Naddala bannamukadde,  
Kya bulabe nnyo okubakyaza awaka,  
Kubanga balina endwadde ez'akabi  
Nga ebigenge n'akafuba,  
Nga n'emibirri gibasiiwa buli ssaawa  
Alina obweraliikirivu  
Nti endwadde zino  
Ziyinza okukwata abaana baffe.

### **Ebibuuzo:**

- (i) Nyonnyola engeri ekitontome kino gye kizimbiddwamu. (obuonero 7)
- (ii) Lwaki omwami ayombesa mukyala we buli kaseera? (obubonero 6)
- (iii) Ebirowoozo by'omutontomi birambuluddwa bitya? (obubonero 4)
- (iv) Nnyonyola olulimi omutontomi lwakozesa. (obubonero 4)
- (v) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino;
  - (i) Annangira
  - (ii) Abagumba
  - (iii) Kivundu
  - (iv) Banamukadde. (obubonero 4)

9. Okot P'Bitek annyonyola atya eneeyisa y'abantu mu katabo ke Omulanga  
Gwa Lawino. (obubonero 25)

### **EKITUNDU C**

#### **ELLY N. KYEYUNE: Bemba Musota**

10. “Ndowooza Walukagga aliko ekisobu. Okwepampalika ku mulimu gw'okuweesa abalwanyi abatafa gw'amanyi nti teguliiko agusobola wansi w'enjuba”.
- (i) Ebigambo ebyo biggiddwa mu kitundu ki eky'omuzanyo? (Akabonero 1)
- (ii) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (Obubonero 2)
- (iii) Mbeera ki eviirako Omwogezi w'ebigambo ebyo okubyogera. (Obubonero 10)
- (v) Ayogerwako azimbiddwa atya? (Obubonero 12)
11. Elly Nathan Kyeyune azimbye atya omusota mu Bemba mu muzannyo Bemba Musota? (Obubonero 25)

#### **W. KIYINGI: Lozio Bba Ssesiria**

12. “...N'olwekyo nteekwa okunekera, kubanga kintu kya ssanyu nnyo okufiirwa kitange”
- (i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (Obubonero 3)
- (ii) Mbeera ki eyaliwo ng'omwogezi tannayogera bigambo ebyo era emuviirako okubyogera? (Obubonero 10)
- (iii) Nnyonnyola embeera y'okukiina efumbekedde mu muzannyo gwonna. (Obubonero 12)
13. “Kyosiga kyokungula” Ebyo bye bigambo Kiyingi byalabika okweyambisa ng'awandiika omuzannyo gwe, Kkakasa obutuufu bw'ebigambo ebyo n'eb yokulabirako okuva mu muzannyo Lozio Bba Ssesiria. (Obubonero 25)

### **BIKOMYE WANO.**